# ENGERI ENSONGA ZA COVID-19 GYE ZIKWATIDDWA MU

# PALAMENTI



EMIKO 8 MUNDA



Omubaka wa palamenti owa Ntwetwe, Joel Ssebikaali, omubaka omukazi owa Mbarara mu palamenti, Margaret Ayebare, ssentebe w'akakiiko ka palamenti ak'ebyobulamu Charles Ayume, akulira eddwaliro ly'e Butabika, Juliet Nakku n'omubaka wa Gulu mu palamenti, Laker Sharon nga bogerezeganya. Akakiiko kaali kagenze okulambula eddwaliro mu September.

# PALAMENTI MU KAWEEFUBE

Bya HENRY SEKANJAKO

OKUVA ssennyiga omukambwe, Covid-19 lwe yabalukawo mu nsi yonna mu March 2020, palamenti ebadde nsaale okulondoola emirimu gya gavumenti mu kulwanyisa obulwadde buno obusse Bannayuganda 3,000.

Palamenti yassaawo obukiiko obw'enjawulo mw'eyita okulondoola n'okufuna embalirira ku ssente eziteekeddwamu n'okukakasa nti ssente z'omuwi w'omusolo zigenduka nga zikozesebwa omulimu ogwaziweesaayo.

Omumyuka wa Sipiika, Anita Among ng'agoberera amateeka g'entambuza y'emirimu gya palamenti, mu June w'omwaka guno, yataddewo akakiiko ka palamenti akalwanyisa ssennyiga omukambwe kakolagane n'akakiiko ak'eggwanga lyonna.

Akakiiko kano ak'ababaka ba palamenti 40, ssentebe waako ye mubaka wa Bugweri Abdul Katuntu ng'obuvunaanyizibwa bwako obukulu kwekenneenya engeri obulwadde gye bukosezzaamu abantu mu bitundu byabwe.

Sipiika yasaba ssentebe w'akakiiko kano okwekenneenya engeri amalwaliro g'obwannannyini gye gakuttemu abantu n'okwekenneenya obulwadde gye bukwatiddwaamu mu malwaliro ga gavumenti ag'ebitundu wamu n'okukunga n'okusomesa abantu nga bayita ku mikutu gy'amawulire.

Okusinziira ku nnonda y'akakiiko kyakakasibwa nti emirimu gyako gibuna eggwanga lyonna nga kaakugikola okusinziira mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo nga bammemba baako bwe baagabanyizibwa.

Nga batandise emirimu gyabwe, baasisinkana abakwatibwako ab'enjawulo okuva mu minisitule y'ebyobulamu, ebyensimbi n'Ekikula ky'abantu. Okwo ne bagattako abakulira etterekero ly'eddagala, aba 'National Medical Stores' n'abaamalwaliro ag'obwannannyini.

### Ensaasaanya ku kussa ebiragiro bya Covid-19 mu nkola

Okusiziira ku lipooti yaabwe, ababaka ba palamenti bano baalaga nti ssente ezaasasaanyizibwa ku nteekateeka z'okukwasisa ebiragiro ku Covid-19 zaali nnyingi.

Bye baazuula nga biraga nti ssente ezaateekebwa mu mbalirira okugula ebyetaagisa mu kulwanyisa Covid-19 nga okugula eddagala erigema zaaali ntono nga kyetaagisaayo endala bbiriyooni (obuse) 365.9/- era gavumenti ekyasaasaanya ssente nnyingi nnyo mu nteekateeka y'okugema.

Baakizuula nti mu mbalirira ya 2019/2020 gavumenti yateekawo

## OKUWA EMBALIRIRA

NG'AKAKIIKO kakola emirimu gyako, essira kaaliteeka ku nsasaanya n'embalirira gavumenti gye yawa ku butabalika (trillion) 4 ezifulumiziddwa gavumenti okuva Covid-19 lwe yabalukawo mu March 2020. Ku ssente ezo, obuse 314 zaafunirwa mu mbalirira ya 2019/2020 nga zikola (7.8%) ate obutabalika 2.7 zaali za mwaka 2020/21 (68.9) n'endala obuse 932.58b mu mwaka 2021/2022.

Omugatte gwa sh obutabalika 1.1 ziweereddwayo okukola ku nsonga z'ebyobulamu endala ezeekuusa ku ssennyiga omukambwe. Obuse 116 (2.9%) zaateekebwawo okutumbula obulamu bw'abantu n'okuyamba abateesobola abali mu bibuga ne munisipaali ate obutabalika 2.6 (68.9%) ne zikozesebwa okudduukirira abakoseddwa nga basaana okuwa ssente okuzza engulu emirimu gyabwe.

Okuteekawo obuyambi buno kyagendererwamu okudduukirira abakoseddwa ennyo ssrnnyiga omukambwe ku bulamu bwabwe n'emirimu obulamu buleme kusaanawo mu mbeera eyo n'ebyenfuna by'eggwanga biyambibwe okudda engulu bireme kugwa.

Ebikoleddwa kuliko; Uganda Development Bank (UDB) recapitalisation, Okuwagira SACCO okuyitira mu Microfinance Support Centre, Emyoga nex sente z'abavubuka, Uganda Women Entrepreneurship Programme (UWEP).

Wabula enteekateeka zino zonna zaakosebwa olw'okubulamu obwanjulukufu ku ngeri ssente gye zaakwatibwamu ne zirema okutuuka obutereevu ku bantu bennyini abaalina okuziganyulwamu. Okusinziira ku babaka, bizinensi entonotono zikyali nnyingi nnyo ezikoseddwa embeera eyaleetebwa ssennyiga omukambwe wamu n'abavubuka n'abakyala abatasoboodde kufuna sente zaabwe nga bwe kyalambikibwa.

Olw'okwagala okuwa embalirira entuufu, akakiiko mu lipooti gye kaawaayo mu palamanti kaasaba minisitule y'ebyensimbi eweey oembalirira entuufu ku bantu abaafuna ssente zino eziwera obuse (bbiriyooni) 558.18 nga bataddeko n'olukalala lw'abantu abaaziganyulwamu.

"Gavumenti erina okuwa palamenti embalirira ku ssente ezo ng'etaddeko olukalala lw'abavubuka be bagamba nti be baafuna sente obuse 130, Minisitule y'Ekikula ky'abantu okuyita mu UWEP ennyonnyole ku buse 29.51, ne Microfinance Support Centre ennyonnyole ku myoga ssente ze yafulumya obuse 260" Ababaka ebyo bye baalambika mu lipooti yaabwe ey'emiko 179.

**TULIRIYONI 4** Ssente ezassibwawo Gavumenti okusaasaanya ku nsonga za Covid-19

**3,000** Covid-19 bukya abalukawo yaakatta Bannayuganda 3,000.

**BBIRIYONI 88** Ssente ezisaasaanyiziddwa okugula masiki 36,702,048 ziri bbiriyoni 88




Omulwadde wa Covid-19 ng'atwalibwa okujjanjabwa. Ababaka bagamba nti ssente ezaaweebwayo okussaawo ebifo omukung'anyizibwa abalwadde teziragibwako mbalirira.

# W'OKULWANYISA COVID-19

omutemwa gwa bbiriyooni (obuse) 22.18 okuzimba ebifo ebijjanjabirwamu abakwatiddwa ssennyiga omukambwe mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo. Wabula newankubadde ensimbi ezo zaafulumizibwa, tebaasangayo kifo wadde ekimu ekyateekebwawo.

Lipooti esemba nti kisaana gavumenti eweeyo embalirira ennyonnyola akawonvu n'akagga ku ngeri gye yasaasaanyamu ssente zino bbiriyooni (obuse) 22.18 ezaali ziteekeddwaawo okuzimba ebifo bino 20 okwetoloola eggwanga.

Kyokka minisitule y'ebyobulamu mu kwanukula yannyonnyola nti baasalawo okukyusa enkozesa ya ssente zino ne batazimba bifo bipya wabula okulongoosa ebifo ebijjanjabirwamu abalwadde b'emitwe mu malwaliro ga gavumenti 15 agali mu bitundu eby'enjawulo.

Akakiiko kaazuula nti waaliwo ebirumira bingi mu ngeri gavumenti gye yasasaanyamu ssente ezaagiweebwa okulwanyisa Covid-18 mu mbalirira ya 2019/20. Lipooti eraga nti palamenti yayisa bbiriyooni 94.18 mu mbalirira ey'ennyongereza gye baayisa. Zino basaasaanyako bbiriyooni (obuse) 92.431 ne wasigalawo 1.757 kyokka tebalaga ezaasigalawo we ziri newankubadde nga bagamba nti baazizzaayo ku akawunti ya gavumenti.

Lipooti eraga nti bbiriyooni (obuse) 99.069 ze zaweerezebwa kyokka baayanjulako 92.431 zokka. Lipooti eraga nti baayisaamu bbiriyooni (obuse) 4.881 ku muwendo gwa ssente ze baalina okuwaayo kyokka ezaayitamu teziragibwa mu mbalirira gye baawa.

Akakiiko kaasemba mu lipooti gye kaakola nti minisitule y'ebyobulamu erina okulaga gye yaggya ssente ez'ennyongereza ze yafuna n'engeri gye yazisaasaanya.

Oluvannyuma minisitule yakkiriziganya n'akakiiko nti ebya ssente zino byalimu ebirumira n'ekkiriza nti egenda kubitereeza nga bwe yalagirwa kubanga ku masiki ze yalina okuweereza mu disitulikiti ez'enjawulo okugabira abantu, omuwendo gweyongerako okusukka ku bantu abaalina okuzifuna be baali babaliridde mu kusooka nga beesigama ku miwendo gye baafuna okuva mu kitongole kya Uganda Bureau of Statistics.

Akakiiko era kazuula nti obuyambi abantu n'amakampuni bwe baawaayo okuyambako gavumenti okulwanyisa ssennyiga omukambwe, zaali bbiriyooni (obuse) 29.6/- ne basaasaanyako obuse 23.9 okugula kabangali ate ssente endala bbiriyooni (obuse) 3.3 ne ziweebwayo okuzimba ekifo we bakuŋŋaanyiza n'okulongoosa omusaayi ku ddwaaliro ly'e Soroti. Ate obuse 2.4 zaakozesebwa okuzimba ebifo we bajjanjabira ku nsalo e Vurra ne Cyanika.

Lipooti eraga nti ensimbi zaasaanyizibwa bubi era kyalagibwa mu lipooti y'omubazi w'ebitabo bya gavumenti. Ekiseera we baawandiikira lipooti ng'emmotoka kabangali ze baagula zituusiddwa mu ggwanga kyokka ng'ekitongole ky'ebyemisolo URA kikyazikutte kyagala okuzisasulako omusolo gwa bbiriyooni (obuse) 9.

Kyokka akakiiko kaategeezebwa nti ssente ezo obuse 9, minisitule y'ebyobulamu teyazirina mu mbalirira yaazo era emmotoka zaali zikyali mu mikono gya URA.

Akakiiko kaasemba gavumenti eyingiremu eweeyo ssente ezeetaagisa okusasula omusolo oba eyogere ne URA mu bwangu esonyiwe omusolo guno emmotoka zikozesebwe emirimu egyaziguza.

Akakiiko kakkiriza nti ensimbi ezasaasaanyizibwa mu kiseera kya Covid-19 zaafulumizibwa mu ngeri ya bwangu nga zaali tezisobola kugoberera mitendera gyonna egiyitibwamu nga gavumenti egula ebintu. "Okusinziira ku mbeera eriwo kyetaagisa okukola okunoonyereza okw'amangu ssente zibalirirwe mu myezi ebiri kikakasibwe oba ebyakolebwa bituukana n'omuwendo gwa ssente ezaafulumizibwa," Ababaka kye baasemba.

## OKUWA ABANTU MASIKI

Olukiiko lwa baminisita (Kabineeti) lwateekawo akakwakkulizo mu May 2020 nti okuggyawo omuggalo, minisitule y'ebyobulamu erina okuwa buli Munnayuganda masiki nga buli emu baagibalirira ku 2,400. Zaali zikola omugatte gwa masiki 36,702,048 ezaabalirirwa okumalawo obuse 88.

Wabula okuddamu okwekenneenya enteekateeka eno okwakolebwa kwalaga nti wakati wa May 2020 ne June 2021, gavumenti yasaasaanya obuse (bbiriyooni) 9,099/- ku kugulira abantu masiki eziwera 2,592,963.

Omuwendo gwa ssente ezaafulumizibwa gutegeeza nti gavumenti yagula masiki 37,916,250. Wabula okwekenneenya kw'akakiiko okwakolebwa ku nsonga eno kulaga nti ebyakolebwa byalimu ebirumira bingi nnyo mu kugula n'okugaba masiki nga zino zaali zisoba mu 1,214,202.



# ABABAKA BAAGALA RDC NE CAO BE BABA BADDUKANYA ENGABA YA SENTE Z'EMYOOGA

Bya HENRY SEKANJAKO

ABABAKA basemba nti ssente z'emyoga gavumenti ezikwase abakulira abakozi ku disitulikiti (CAO) bazivunaanyizibweko okusobola okuziweera embalirira.

Baasembye era nti ababaka ba Pulezidenti ku disitulikiti (RDCs) baweebwe obuvunaanyizibwa okuzirondoola okuva nga bazigaba n'okumanya engeri abazifunye gye bazikozesa, kiyambeko okuggyawo abazikozesa obubi n'okuzibulankanya.

Ababaka okuva mu bitundu bya Lango bagamba nti emitendera gyonna omuyita ensimbi zino gisaana okuddamu okwekenneenya awali emiwaatwa gizibwe kisobozese okuzifunamu ebibala mu bitundu bya Lango ne Uganda okutwalira awamu.

Omwezi oguwedde, Omumyuka wa Sipiika, Anita Among yasindise palamenti mu luwummula lwa wiiki bbiri n'abasindika mu bitundu byabwe gye bakiikirira okulondoola ssente z'emyoga ezigabiddwa eziwera bbiriyooni (obuse) 53.

Emyoga y'emu ku nteekateeka za gavumenti okulwanyisa obwavu mu maka okubukendeeza ebitundu 68 ku 100 okwetoloola eggwanga naddala mu bantu abakola emirimu egifaanagana nga abali mu byobulimi.

Wabula Ababaka bye bazudde ku nteekateeka eno biwuniikiriza kubanga abaali bateekeddwa okuzifuna abasinga obungi tebaazifuna ate abazifunye nga balina okusooka okusasula abazikolako basobole okuzibawa.

Okusinziira ku lipooti ababaka abava mu kitundu kya Lango gye baawaddeyo mu palamenti, ssente ezaaweerezebwa mu disitulikiti z'ekitundu kino abakulembeze ba SACCO baazekomya n'abamu abateekeddwa okuzifuna baazikozesa bubi.

Newankubadde nga mu disitulikiti ezimu abatwala ebyobusuubuzi baategeeza Ababaka nti ssente ezimu abaazifuna baazizzaayo, nga mu muluka gw'e Opeta gye bagamba nti bazzaayo obukadde busatu, Ababaka baagenze okutuuka ku akawunti yaabwe mu bbanka nga tezirabikako ate aba Kolo North baagenda okutuuka ku akawunti yaabwe nga kusigaddeko sh265,939.48 kyokka nga ne bye baazikozesa tebirabikako.

Mu disitulikiti y'e Otuke ababaka bye baasanzeeyo byabawuniikirizza, SACCO zaayo ezeegattira mu Otuke county Veterans (Widows and Orphans) SACCOS zaabadde tezifunanga wadde omunwe gw'ennusu ku bukadde 30 bwe zaalina okufuna kyokka nga Microfinance Support Centre eraga nti yaweerezaayo obukadde 560 naye waatuukayo obukadde 530 zokka.

Bwe baatuuse mu disitulikiti y'e Kole, ababaka beetegerezza akawunti za SACCO ez'enjawulo ne bakizuula nti obukadde 540.6/- ze baggya ku akawunti za SACCO kyokka ebibiina abantu mwe beegattira byafunako obukadde 409.5/- ezisigaddewo nga tezinnyonnyolwa gye zaalaga.

Disitulikiti y'e Kole era ababaka baasanzeeyo ebirala ebikanga, ng'akola ku byensimbi yadyekadyeka abakulembera SACCO n'abakkirizisa okumuwandiikira ebbaluwa nga bamukkiriza okuggya ssente ku akawunti yaabwe n'aggyako obukadde 131.

Kole North performing artists baabawa obukadde 13 nga looni, ate ku akawunti yaabwe ne kuvaako obukadde 30.5 kyokka obukadde 17.5 nga tebumanyiseeko mayitire.

Lipooti y'akakiiko eyongera okulaga ssente endala eziwerako ezaafulumizibwa ne zitwalibwa abantu ab'enjawulo mu ngeri etategeerekeka nga bammemba ba SACCO ab'enjawulo tebazirabyeko.



Ababaka nga bali mu Palamenti. Mu August omumyuka wa Sipiika, Among yasindika ababaka mu bitundu bye bakiikirira okulaba enkola ya ssente z'emyooga obuwumbi 53 ezaaweebwayo Gavumenti.

## EBIZUULIDDWA KU SSENTE

Okusinziira ku lipooti ababaka abava mu kitundu kya Lango gye baawaddeyo mu palamenti, ssente ezaaweerezebwa mu disitulikiti z'ekitundu kino abakulembeze ba SACCO baazekomya.



Sipiika wa Palamenti, Jacob Oulanyah



Omumyuka wa sipiika wa Palamenti, Anita Among

## ENGUZI MU KUGABA SSENTE

Mu disitulikiti y'e Kole, aba Lwala Youth Leaders baategeezezza ababaka nti okubawa ssente zaabwe baabasalako 300,000/- ate aba Okwerodot Market Vendors abakozi ba gavumenti baabaggyako 400,000/- okuzibakolerako ne bazifuna.

Ssentebe wa Kole North Veterans' SACCOS yategeezezza ababaka nti omukungu wa gavumenti eyali abikolako yabasaba bamuweeko 4,000,000/- okubibanguyiza ate owa Kole North Tailors' SACCOS yategeezezza nti bo baabasaba akakadde kamu era baakamuwa n'asobola okuzibawa amangu.

Lipooti eraga nti waliwo abaategeeza nti ssente baazikomyawo kyokka tezirabikako!

### OKUKAMULA SSENTE OKUVA MU BAMMEMBA

Lipooti eyongera okulaga nti ebikolwa eby'obukenuzi byeyolekera ku buli mutendera abantu gwe baayitako okufuna ssente.

Disitulikiti y'e Amolatar kyategeezebwa nti buli kibiina ekyegattira mu SACCO baalina okusasulayo 40,000/- nti za kukuuma akawunti.

Okukakasa nti ssente ze baabawola banaasobola okuzisasula, abamu baabalagira basooke baterekeyo kimu kyakusatu ku muwendo gwa ssente ze basaba ate nga bwe bazifuna babalagira okuzizzaayo mu bbanga lya myezi ena gyokka.

Bye baasanze mu disitulikiti y'e Dokolo nabyo biwuniikiriza, ssentebe wa Dokolo North Women Entrepreneurs SACCOS yalagira buli kibiina ekyagala okwegattira mu SACCO eyo kisooke kisasule 5,000/- za kwewandiisa, 40,000/- okuva mu buli kibiina za kupangisa ofiisi, 25,000/- za ntambula ate buli mmemba ng'alina okusasula 5,000/- za kugenda kunonayo ssente ezibawolebwa okwo bongereko 20,000/- okuva ku buli mmemba.

**SH3M** Omuwendo gwa ssente abakulembeze ba Opeta Parish ze bagamba okuzzaayo.

**SH540.6M** Ssente ezaggyibwa ku akawunti za SACCO ez'enjawulo mu disitulikiti y'e Kole kyokka ebibiina abantu mwe beegattira byafunako obukadde 409.5 bwokka.

**SH17.5M** Ezimu ku Ssente ku bukadde 30.5 ezaggyibwa ku akawunti y'aba Kole North performing Artists ezitamanyiddwaako mayitire.

# ENSAKO YONNA EY'ABASAWO GYE BABANJA ESASULWE MU WIIKI 2

# PALAMENTI ERWANIRIDDE OKUSASULA MU BUDDE ENSAKO Y'ABAJJANJABA COVID-19

Bya HENRY SEKANJAKO

PALAMENTI esabye gavumenti okusasula abasawo n'abakozi mu malwaliro abakola ku balwadde ba ssennyiga omukambwe ensako yaabwe mu budde.

Lipooti y'akakiiko ka palamenti akaalambudde amalwaliro ga gavumenti ku mitendera egy'enjawulo, eraga nti abasawo baasembayo okufuna ensako yaabwe mu December 2020.

Ng'oggyeeko okulwawo okuzifuna, era lipooti eraga nti emirundi gye baazifuna zajja kikeerezi n'abamu nga bagamba nti baasemba okulaba ku ssente z'ensako eno mwaka guwedde nga Covid-19 yaakabalukawo kyokka nga ne mu muggalo ogwokubiri babadde bakola.

A babaka ba palamenti bye bazudde, lipooti eraga nti waliwo abakozi mu ddwaaliro e Tororo nga bo tebaweebwangako wadde omunwe gw'ennusu ku ssente ze baakolera kyokka n'abo abaazifuna bagamba nti ate baaziggyako omusolo gwa bitundu 30 ku buli 100.


Lipooti era eraga nti abakozi 12 abaali ku mulimu gw'okunoonya abo abeetabako n'abalwadde ba Covid - 19 e Tororo mu muyaga ogwasooka tebaasasulwa yadde ennusu.

"Ekivudde mu mbeera eyo kwe kubeera nti abasawo abassa obulamu bwabwe mu matigga nga bajjanjaba aba ssennyiga omukambwe, emitima gyabwe gyennyise tebakyayagala kukola," Lipooti y'ababaka bw'esoma.

Ababaka baasemba nti ensako y'ababaka bano erudde okusasulibwa bagibawe mu bbanga lya wiiki bbiri era wafunibwewo enkola egobererwa okusasula ensako mu kiseera ekiddako nga bonna bazifuna omulundi gumu kiyambeko okuggyawo embeera y'abamu okufuna abalala ne balekebwa ebbali.

Nga batuuse ku nsonga y'okuggya omusolo ku nsako yaabwe, ababaka baasembye minisitule y'ebyensimbi eyingire mu nsonga eno esonyiwe omusolo ku nsako y'abasawo abajjanjaba abalwadde ba Covid-19 era kino minisitule y'ebyobulamu yakisanyikidde.

Dr. Jane Ruth Aceng yategeezezza nti kitutte akaseera ng'abasawo beemulugunya ku nsonga eno n'ayaniriza ekisembeddwa akakiiko okubeera nga bagubasonyiwa.



Ababaka baagala nnyo okuzuula oba ssente ezirina okusasulwa ng'ensako y'abajjanjabi n'abakola emirimu ziweereddwa abantu abatuufu abalina okuzifuna.

**Obukiiko obulwanyisa okusaasaana kwa Covid 19**

Akakiiko kaakizudde nti ebibuga bye baakyaliddeko, birina obukiiko obulwanyisa ssennyiga omukambwe era bukola bulungi emirimu gyabwo nga bukulemberwa RDC ne RCC era butuulako bammeeya ne bassentebe ba disitulikiti, omuduumizi wa poliisi mu disitulikiti n'abalala abateekwa okubeerako.

Akakiiko ka disitulikiti katambuza bulungi emirimu gyako nga kagoberera amateeka agaabaweebwa gavumenti z'ebitundu okuva ku disitulikiti okutuuka ku byalo wansi.

Okusinziira ku babaka, obukiiko buno butuuza enkiiko, buteekateeka bye bunaakola era bugabana amawulire okuyita mu mitendera mwe batambuliza emirimu.

**Abakozi tebamala**

Akakiiko kaakizuula nti mu malwaliro ga gavumenti mu bitundu eby'enjawulo bye batuuseemu, abasawo tebasobola kukola ku balwadde abangi abeeyongera buli kiseera olw'okubeera nti tebalina bakugu bamala naddala badokita n'abakugu abakuba omuntu agenda okulongoosebwa eddagala erimusirisa okukola ku bwetaavu bwe babeera bafunye.

Amalwaliro gonna ge baatuuseemu, okusinziira ku bwetaavu bw'abakugu obuliwo galinako abakugu 52 ku buli 100 abeetaagibwa, okuggyako eddwaaliro ly'e Pallisa gye baasanze nga balina 75 ku buli 100. Lipooti esemba nti gavumenti esitukiremu mangu okuwandiika abasawo n'abakozi mu malwaliro abeetaagisa okusobola okutambuza emirimu gy'okujjanjaba abalwadde Covid-19 n'okuddukanya ebifo awakeberebwa obulwadde ebyassibwawo.

## KINO KIKULU

**Lipooti esemba nti gavumenti esaana esitukiremu mangu okuwandiika abasawo n'abakozi mu malwaliro abeetaagisa okusobola okutambuza emirimu gy'okujjanjaba abalwadde covid-19 n'okuddukanya ebifo awakeberebwa obulwadde ebyassibwawo.**

"Olw'obwetaavu obuliwo bwe kibeera kisoboka gavumenti epangise abakugu okuva e Cuba basobole okuziba eddibu eririwo," Dr Emmanuel Otaala, omubaka wa Budama South, bwe yagambye.

Okubulwa abakugu minisitule yakitadde ku bbula lya ssente, Dr. Jane Ruth Aceng n'ategeeza nti abakugu abatono abaliwo kibeera kizibu okubasikiriza okujja okukola mu malwaliro ga gavumenti kubanga omusaala bafuna mutono okusinziira ku kye baagala.

Akakiiko kaakizudde nti newankubadde amalwaliro ag'ebbali galagirwa okuweereza abalwadde ba ssennyiga omukambwe abayi mu malwaliro amanene agali mu bitundu, abamu bwe batuukayo babagoba ate abagumiikirizza babakolako nga wayiseewo ebbanga ddene olumu ne kivaako abamu okufiira awo nga bakyalinda kubanga amalwaliro tegalina bitanda ebijjanjabirwako abayi ennyo (ICU) nga bwe kiragibwa.

Ekivudde mu mbeera eyo, amalwaliro amanene okuli; Tororo, Pallisa ne Kapchorwa gaasalawo okufunako waadi emu mwe bajjanjabira abalwadde ssennyiga omukambwe. Era eno gye baakizuulira nti eddwaaliro ly'e Bukedea lye lyali lisinga okubeera n'omuwendo gw'abalwadde abangi mu kitundu kya Teso nga likulemberwa Tororo eririna abalwadde 4,571 we twatuukira nga July 26, 2021.

Eddwaaliro ekkulu erya Tororo lyokka lyajjanjaba abalwadde 252 ne bawonera ddala we twatuukira July 10, 2021. Akakiiko kaasemba nti mu bwangu ddala nga bwe kisoboka, gavumenti eteekewo ebifo we bajjanjabira Covid-19 ku malwaliro okuli; Kapchorwa, Pallisa ne Tororo kiyambeko okukendeeza ku mujjuzo oguli e Mbale ne Soroti.

## OKUTEEKAMU SSENTE

Kyazuuliddwa nti olw'ebbula lya ssente eririwo, emirimu egy'enkizo nga okuzuula abalwadde, okulondoola ababaddeko n'abalwadde n'okuwa abali awaka obujjanjabi tebikolebwa nga bwe kyetaagisa.

Newankubadde nga waateekebwawo omutemwa gwa bukadde 284.4, e Bukedea nga ssennyiga omukambwe abaluseewo omulundi ogwokubiri, akakiiko akalwanyisa obulwadde buno mu disitulikiti kaagattako omutemwa gwa bukadde 29.6 nga zaakugula mafuta agakozesebwa mu kulondoola abalwadde ate obukadde 101.5 ne babuteeka ku nsako gye baalina okufuna.

Ssente ezandibadde zikozesebwa okuwa abantu obujjanjabi mu bitundu byabwe abakulu baazifuna nga nsako na kutambuza mirimu gya ofiisi zaabwe egitakwatagana na kujjanjaba.

Akakiiko kaasembye mu lipooti, minisitule ya gavumenti zeebitundu eddemu yeetegereze amateeka n'ebiragiro bye yawa ebirina okugobererwa. disitulikiti zonna zikakase nti obukiiko bwonna obukola ogw'okulwanyisa ssennyiga omukambwe bufuna ensimbi ezitambuza emirimu.

**30%** Omusolo ogwaggyibwa ku nsako eyaweebwa abasawo abajjanjaba abalwadde ba COVID-19

**12** Abakozi abaali ku mulimu gw'okunoonya abo abeetabako n'abalwadde ba Covid - 19 e Tororo mu muyaga ogwasooka abataasasulwa

**4,571** Omuwendo gw'abalwadde ssennyiga omukambwe mu disitulikiti y'e Tororo ng'olwa July 26, 2021 terunnayita. Eno ye disitulikiti eyali esingamu abalwadde.

# ENGERI PALAMENTI GY'EKOLAMU EMIRIMU WAKATI MU COVID-19

Bya HENRY SEKANJAKO



Ababaka nga batudde mu palamenti oluvannyuma lw'okussaawo amateeka agagoberwa ku Covid- 19.

Uganda olwalangirira nti efunye omulwadde wa ssennyiga omukambwe asooka mu March 2020, gavumenti yalangirira omuggalo ku bitongole ebimu wabula palamenti lye limu ku masiga oba ebitongole bya gavumenti ebyasigala nga biggule.

Ebitongole bya gavumenti n'ebyobwannannyini ebimu byasindikibwa mu muggalo okumala omwezi mulamba.

Olwokuba palamenti yafuna omukisa okusigala nga nzigule, esobodde okukola kaweefube yenna asoboka okulwanyisa okusaasaanya Covid-19 newankubadde ng'erina omuwendo gw'ababaka munene.

Emyaka ebiri Uganda gy'emaze ng'erwanagana ne Covid-19, palamenti etaddewo amakubo ag'enjawulo okutangira okusaasaanya obulwadde mu babaka n'abakozi ba palamenti abalala.

Eyali Sipiika Rebecca Kadaga mu 2020 yayisa ebiragiro ebikakali ku kulwanyisa ssennyiga omukambwe okwali n'okukyusa entuula za palamenti okuva munda mu palamenti ababaka gye bateeseza ne batandika okutuula mu weema ze baasimba mu kibangirizi we balina okusimba mmotoka.

Yayongerako okukendeeza ku muwendo gw'abakozi abalina okugenda ku palamenti ne basabibwa okukolera eka, omuwendo gw'ababaka abalina okwetaba mu lutuula lwa palamenti ne gukendeezebwa n'okuyimiriza abagenyi abakyala ku palamenti.

Kuno palamenti yagattako okugula obuuma bwe bakozesa okunaaba mu ngalo, okupima ebbugumu ly'omubiri ku buli mulyango oguyingira ku palamenti.

Bwe yatuuka ku mukolo gw'okulayiza ababaka abapya, palamenti yayisa ebiragiro ebikakali, okwawukanako n'enkola eyagobererwa mu palamenti ey'ekkumi, okulayiza ababaka mu palamenti ya 11 kyatwala ennaku 4 ate nga buli mubaka aweebwa omuwendo gw'abantu batono nnyo abalina okumuwerekera.

Okwawukanako ne palamenti ey'ekkumi eyalimu ababaka 427 abaalayira mu May wa 2016, Palamenti ya 11 erimu Ababaka 529. Palamenti yayisa ebiragiro ebikakali bye baalina okugoberera mu kiseera ky'okulayira okulaba nga batangira abantu okukwatibwa n'okusaasaanya ssennyiga omukambwe.

Embeera eno yaleetawo enkyukakyuka mu nkola enkadde eyali egobererwa ng'omubaka akkirizibwa okujja n'abantu bangi okumuwerekera, omulundi guno tebakkiriziddwa kujja kulayira n'ebibinja by'abantu ebibawerekerako.



Ababaka nga batudde mu ttenti ezassibwa wabweru wa palamenti nga tewannasibwawo mateeka gagobererwa okwetangira Covid-19.



Chris Obore

### OKUFUUYIRA EKIFO

Oluvannyuma lwa wiiki ntono ng'ababaka bamaze okulayira, abakulembera palamenti bagiggala okumala ekiseera basobozese abakugu okukola omulimu gw'okufuuyira ekifo kyonna nga emu ku nkola ezaateekebwawo okulwanyisa Covid-19.


Okutuuka okukola kino, omwezi ogwali guyise palamenti yali efunye abantu 100 abakwatiddwa ssennyiga omukambwe okuva mu babaka n'abakozi mu palamenti.

**100** Gwe muwendo gw'abantu abaakwatibwa ssennyiga omukambwe okuva mu babaka n'abakozi mu palamenti.

**529** Omuwendo gw'ababaka abali kati mu Palamenti eya 11. Palamenti ey'e 10 yalimu ababaka 427.

**4,993** Omuwendo gw'abantu mu Kabale abagemeddwa obulwadde bwa Covid 19 ddoozi esooka ate 1,775 be bafunye ddoozi eyookubiri.

# GAVT. ESABIDDWA OKWONGERA AMAANYI MU KUGEMA COVID-19



Minisita omubeezi ow'ebyemizannyo, Denis Obua ng'agemebwa Covid-19. Ababaka bonna bateekwa okugemebwa.



Bya MUSASI WAFFE

PALAMENTI esabye gavumenti eyongere amaanyi mu nteekateeka z'okugema abantu bonna naddala abakozi ab'enkizo.

Mu ngeri y'emu, palamenti eyagala gavumenti ekole mu bwangu enteekateeka okugema abantu mu kikungo, n'okubakebera kisobozese okumanya ebifo ebisingamu obulwadde n'okulondoola ababeera bakwatiddwa.

Yagambye nti kino kijja kuyambako okukendeeza okusaasaanya obulwadde mu bitundu ebirimu abantu abangi.

Dr. Michael Bukenya Omubaka wa Bukuya era ssentebe w'akakiiko k'ababaka akalwanyisa ssennyiga omukambwe mu Buganda yakubirizza gavumenti okukunga abantu bamanyisibwe ku nteekateeka y'okubagema n'okubategeeza ebirungi ebikirimu nti y'enkola yokka ekakasibwa bannassaayansi esinga okutangira okukwatibwa Covid-19.

Okusinziira ku lipooti ababaka bano ab'ebitundu bya Buganda gye baakoze, abagemeddwa bakwatibwa naye tebafuna bubonero butiisa era tebayisibwa bubi ng'abo abatagemeddwa.

Abatagemeddwa bayisibwa bubi, abamu ne batuuka n'okuweebwa ebitanda mu malwaliro nga bali mu mbeera mbi n'olumu okufa, okusinziira ku biri mu lipooti y'ababaka. Wano we baasinzidde okukubiriza gavumenti egule eddagala erigema erimala abantu bonna abatuusizza emyaka egy'okugemebwa.

Abaduumira poliisi mu bitundu eby'enjawulo baategeezezza akakiiko k'ababaka nga balambula ebitundu nti abaserikale abasinga bamaze okufuna waakiri ddoozi esooka. Wabula kyabadde kizibu ababaka okukakasa oba ddala abaserikale bonna bagemeddwa nga bakama baabwe bwe baategeezezza.

Eky'ennaku mu bye baazudde mulimu nti abasawo tebajjumbidde kugemebwa era kino kyasinze kuvaayo ku ddwaaliro ekkulu e Masaka ate abantu ba bulijjo gye balina okudukira okubagema.

Wabula kino kiyinza okubeera nga kye kimu ekivudde ku basawo okubeera nga bajjanjaba abalwadde ssennyiga omukambwe ate nabo ne bakwatibwa ate nga tekikkirizibwa omuntu okugemebwa nga mulwadde kyokka ababaka baalaze obweraliikirivu nti kiyinza okukosa abaafuna ddoozi eyasooka nga mu kiseera we balwalidde ate we babadde balina okufunira ddoozi eyookubiri.

Ababaka baakizudde nti eddagala erigema ery'omulundi ogwokubiri eryaweerezebwa mu disitulikiti ze baatuseemu libadde ttono nnyo ne kivaako abantu okubeera nga tebajjumbidde nteekateeka ya kugema kubanga abatono abagendayo babategeeza nti tewali ddagala.

Amalwaliro ge batuukamu gaabategeeza nti eddagala eryasindikibwayo ku mulundi ogwokubiri lyaggwaawo mu nnaku bbiri zokka. Eddagala okuggwaawo amangu kyavudde ku kubeera nti abantu bongedde okumanyisibwa enteekateeka z'okugema mu bitundu gye babeera.

### ABASAWO N'ABASOMESA TEBAAFUNYE DDAGALA

Lipooti yakiraze nti Abasawo n'abasomesa bangi tebaafunye ddoozi yaakubiri ekintu eky'obulabe era ebinaakivaamu bijja kukosa nnyo mu kiseera ekiddako ng'abasawo batya okukwata ku balwadde n'okulwawo okuggulawo amasomero.

Mu disitulikiti y'e Kabale yokka, ababaka baazudde nti abantu abaafuna ddoozi esooka bali 4,993 kyokka ku bo kuliko 1,775 bokka abaafunye ddoozi eyookubiri. E Mbarara abaafuna ddoozi esooka bali 4,742 ku bano kuliko 1,719 bokka abaafunye ddoozi eyookubiri.

Akakiiko kaasembye nti gavumenti eyongere ku bungi bw'eddagala erigema ly'esindika mu bitundu bino waakiri esindikeyo mu bipimo ebyenkanankana buli bbanga eggere.

Minisitule y'ebyobulamu mu kwanukula ababaka yategeezezza nti enteekateeka ya gavumenti okugema abantu obukadde 22 nga bano benkana 49.80 ku buli 100 abatuukiriza ebisaanyizo kwe kuteekawo okugema mu kikungo.

Dr. Jane Aceng, minisita w'ebyobulamu yategeezezza nti gavumenti emaze okufuna eddagala erimala okulaba ng'etuukiriza enteekateeka z'okugema abantu nga bwe baategeka.

Waliwo enteekateeka y'okugula eddagala ekika kya Sinopharm okuva e China nga lino balitegekedde abantu obukadde mwenda. Gavumenti yaakuligula ng'eyita mu kitongole ky'ensi yonna COVAX. Lino lisuubirwa okutuusibwa mu ggwanga mu October.

Gavumenti era esuubira ddoozi endala obukadde mwenda ez'eddagala lya Johnson and Johnson ly'eguze ng'eyita mu mukago gwa African Union erisuubirwa nga September tannaba kuggwaako.

Omuwendo gw'abantu abakwatibwa obulwadde bwa ssennyiga omukambwe bwe gwakendedde palamenti n'esalawo entuula zaayo ziddemu okutuula munda mu palamenti.

## BYE BAZUDDE

Ababaka baakizudde nti eddagala eryaleeteddwa omulundi ogwokubiri lyabadde ttono nnyo okusinziira ku bwetaavu obuliwo bw'ogeraageranya kw'eryo eryaleetebwa omulundi ogwasooka. Obwetaavu bulinnye kyokka eddagala eriri mu bitundu gye balina okugemera ttono nnyo.



Omu ku basomesa abaagemeddwa mu August. Enteekateeka za Gavumenti kwe kugema abasomesa 20,000 mu Kampala n'abalala 50,000 okwetooloola eggwanga ng'amasomero tegannagulwawo.

## ABABAKA ABATALI BAGEME TEBAKKIRIZIBWA MU PALAMENTI:

Ebiragiro palamenti bye yawa bikirambika bulungi nti Omubaka ateegemesezza Covid-19 si waakukkirizibwa kuyingira mu palamenti kuteesa. Paalamalenti buli lutuula etuuza ababaka 100 ayingira alina okubeera nga mugeme kiyambeko okutangira okusaasaanya obulwadde.

Chris Obore akulira ebyempuliziganya mu palamenti omwezi oguwedde yakakasizza nti okusinziira ku nteekateeka eriwo, basobola bulungi okutangira embeera eyinza okuvaamu ebizibu.

Obore yagambye nti omubaka yenna okukkirizibwa okuyingira okwetaba mu lutuula alina kusooka kulagayo kipalati ekiraga nti bamugemye.

Emyezi mitono egiyise, Palamenti yateeka amaanyi ku kugemesa ababaka n'abakozi ba palamenti abalala bonna, wamu n'abaamawulire abakola ku palamenti nga emu ku nkola y'okulwanyisa obulwadde.

Palamenti essa nnyo essira ku kukuuma n'okuteeka mu nkola ebiragiro ebyaweebwa abeebyobulamu okutangira ssennyiga omukambwe. Abayingira ku palamenti balina okunaaba engalo, okwambala obukookolo era tewali mubaka oba omugenyi yenna akkirizibwa kuyingira nga tagyambadde. Ababaka batuula beewadde amabanga.

**100** Omwendo gw'ababaka palamenti b'etuuza buli lutuula.

**49.80%** Omuwendo gwa Bannayuganda abalina okugemebwa ku buli 100 mu nteekateeka ya Gavumenti.

**18M** Ddoozi z'eddagala lya Johnson and Johnson erisuubirwa okugema abantu obukadde mwenda Gavumenti ly'eguze ng'eyita mu mukago gwa African Union.




Ambasada wa Saudi Arabia, Abdalla Hassan Alshamasi ng'akwasa minisita w'ebyobulamu Ruth Aceng, masiki ku kitebe kya minisitule mu Kampala mu February.

# PALAMENTI EWABULA GAVT. KU SSENTE N'ENTEGEKA KU BULWADDE BWA COVID-19

Bya HENRY SEKANJAKO

PALAMENTI yawa gavumenti amagezi ekole enteekateeka ennambulukufu erambika engeri gy'eyinza okukozesa ssente ez'ekigero okulwanyisa ssennyiga omukambwe.

Okuyita mu pulaani eno, palamenti eyagala gavumenti ekiteekeko essira nti ssente z'eteekamu zirina kukozesebwa ku bintu ebyo ebiteewalika mu kulwanyisa obulwadde.

Okusinziira ku lipooti y'akakiiko eyakakasibwa palamenti ku ntandikwa y'omwezi guno, wakati wa July 2021 ne June 2022, gavumenti efulumizza ssente tuliriyoni (trillion) 1.763.8 mu nteekateeka z'okulwanyisa Covid-19.

Okwo kuliko tuliriyoni 445.9 ezaaweebwayo okugula eddagala ery'okugema ate tuliriyoni 808.4 (45%) ziguze ebikozesebwa. Okusinziira ku kakiiko bye kaazudde, omuwendo gw'ensimbi gwa bbiriyooni oba tuliriyoni 206.3 gwafulumizibwa mu kitundu ky'omwaka gw'ebyensimbi ekisooka ogwa 2021/2022, okugula omukka ogussibwa ogwa Oxgyen, okugaba ensako, okukola ku bakwatiddwa obulwadde, n'okulabirira entambula ya ambyulensi.

Lipooti eyongera okunnyonnyola nti ssente endala tuliriyono 255.4 zaaweebwa ekitongole kya National Medical Stores (NMS), Uganda COVID-19 response ne Emergency Preparedness Project, Global Fund okulwanyisa mukenenya, akafuba, n'omusujja gw'ensiri.

Akakiiko kaakizuula nti omutemwa ogwaweebwayo okulwanyisa ssennyiga omukambwe guli bbiriyooni 996.66 ekikontana n'enteekateeka eyalambikibwa minisita w'ebyobulamu eyagamba nti beetaaga ssente bbiriyooni 1.3.



Minisita Kasaija, byansimbi



Minisita Aceng, wabyabulamu



Omubaka Abdu Katuntu

### EBIKONTANA

Okusinziira ku babaka ba palamenti bye baazudde ebirimu emiwaatwa wakati wa baminisita ababiri bye boogera ne kikifuula kizibu okumanya omuwendo gwa ssente omutuufu ogwetaagisa okulwanyisa Covid-19 mu mwaka gw'ebyensimbi guno.

Mu ngeri y'emu, minisitule y'ebyobulamu yakkiriza ebyo akakiiko ka palamenti bye kaazuula nti kituufu nabo tebamanyi muwendo mutuufu gwe beetaaga ne beeyama okukolagana ne minisitule y'ebyensimbi n'abalala abakwatibwako okulaba nga bakigonjoola baveeyo n'emiwendo emituufu nga lipooti bwe yasemba.

## OBUYAMBI OBUVA EBWERU

Nga batuuse ku buyambi obuva ebweru w'eggwanga, ababaka baakizuula nti ssente zonna minisitule ze yafuna okuva mu gavumenti n'abagabi b'obuyambi yazisaasaanya mu kiseera kye kimu ekitegeeza nti ekintu kye kimu baakisasulira emirundi ebiri.

Wabula nga baanukula ebyo akakiiko bye kaazuula, minisitule y'ebyobulamu yategeeza nti newankubadde yafuna ssente ez'enjawulo okuvujjirira emirimu gye bakola, baafuba okulaba nga tebateekamu bintu bya mpewo kubisaasaanyizaako ssente.

"Newankubadde nga ssente minisitule yazifuna okuva mu gavumenti n'abagabi b'obuyambi zaakozesebwa kukola mirimu egy'enjawulo so si kusaasaanya ssente ez'enjawulo ku kintu ky'ekimu nga bwe kiragiddwa mu lipooti," minisitule y'ebyobulamu bwe yannyonnyola ng'egenze mu kakiiko.

Ssentebe w'akakiiko kano, Abdu Katuntu era omubaka akiikirira Bugweri, ng'ayogera ku ebyo bye baazuula yakakasa nti bye bituufu tewali gwe baawaayiriza wadde okukonjera omuntu yenna.

"Tetulina muntu yenna gwe tunenya era tewali gwe tulumiriza nti yabba ssente zino. Wabula twasembye ebitabo ebiraga embalirira biddemu okwekenneenyezebwa ebirimu ebitakwatagana bigonjoolwe mu ngeri ey'ekikugu," Katuntu bwe yannyonnyodde.

Ng'ayogera ku bye baazuula byonna okutwalira awamu; Nga tukola omulimu guno, essira tetwaliteeka ku kuzuula bikyamu, twakola omulimu nga tuluubirira kugonjoola bizibu, buli kye twazuula twagezaako okusemba ekirina okukolebwa.

Tetwalina nsonga yonna etuwaliriza kusavuwaza bye tuzudde," Katuntu bwe yagattako.

Minisita w'ebyobulamu, Dr. Jane Ruth yategeeza nti minisitule y'ebyobulamu y'erina okunnyonnyola ebirumira ebyalagibwa mu ssente z'obuyambi ezaaweebwayo okudduukirira abantu.

**TULIRIYONI 1.7** Ensimbi ezassibwawo okulwanyisa COVID - 19

**BBIRIYOONI 446** Ensimbi ezassibwawo okugula eddagala erigema COVID -19

**BBIRIYOONI 996** Ensimbi ezikontana n'ezo ezaalambikibwa minisitule, bbiriyooni 1.3